FEDERAL RESERVE
1,000,000
JN 316RU4GOD
UNITED STATES FEDERAL RESERVE SYSTEM
THIS NOTE IS NOT LEGAL TENDER
FOR ALL DEBTS, PUBLIC AND PRIVATE
SERIES 2009
Secretary Of Ministry
1,000,000
THE UNITED STATES
OF AMERICA
MILLION
USA
THOU SHALT NOT STEAL
IS A TARFIFTYVSONE
JN 316RU4GOD
Department of Eternal Affairs
1,000,000
1,000,000
REAGAN
ONE MILLION DOLLARS

Okubeerawo okwa Katonda. Baibuli egamba nti Katonda mutukuvu, mutuukikirivu ate ayawukana ne bitonde bye. Katonda agambye "Mubeerenga abatukuvu kubanga nze ndi mutukuvu". Katonda yetaaga obutuukirivu mu birowoozo, mu bigambo ne mu bikolwa. Katonda mutuukirivu era asuubiza kulamula mu butuukirivu. Katonda alina buyinza bwonna, amanyi gwonna era takyuka. Tosobola okwekweka oba okunyoola omusango gwe ogw'obutuukirivu. Katonda "akebera emitima" era asuubiza "okusasula buli muntu ng'ebikolwa bye bwe biri". Katonda kwagala; ayagala ekintu kyonna ekirungi era akyaawa ekintu kyonna ekibi. Addiramu abantu nkumi na nkumi ku abo abamwagala, abakwata amateeka gge", era "atalimuggyako musango n'akatono aguliko". Butonde bwa muntu. Oli muntu mulungi? Tunulira ko ku mateeka kumi: wali olimbyeko? "abalimba bonna omugabo gwabwe gulibeera mu nnyanja eyaka n'omuliro". Wali wegombyeko ku muntu? Yesu yagamba nti ekikolwa kino kiri ng'obwenzi. Wali okyaaye omuntu awatali nsonga? Yesu yagamba nti ekikolwa kino kiri ng'okutta. Wali olayiridde bwereere erinnya lya Katonda? Katonda agambye "omusango gulimusinga omuntu alayirira obwereere erinnya lye". Baibuli egamba nti "Omuntu yenna bw'aba akwata amateeka gonna, naye n'asobya mu limu, ng'azizza omusango gwa gonna." Katonda takulaba ng'omuntu omulungi, naye akulaba ng'omulimba, omwenzi, omutemu era omuvoozi. "Emmeeme eyonoona ye erifa". Ggeyeena (kkomera erya Katonda) bagyogerako ng'omuliro, bulumi obungi, kizikiza, n'okukaaba. Kubanga kyonoono kiba kibi ekitaggwaawo ekikolebwa eri Katonda omutuukirivu ataggwaawo; Ggeyeena ya lubeerera kiba kibonerezo kituufu. Omwononyi bw'agamba "Neetonda", omulamuzi asobola okumuta? Nedda, yandigambye, "ndi mulamuzi mulungi. Kirungi nti wenenya. Naye amateeka gasazeewo obonerezebwe." Katonda agenda kubonereza ekibi, era okweetonda oba biseera tebijja sonyiwa ebibi byo. "Tewali mutuukirivu wade n'omu". "Tewali wade n'omu anoonya Katonda." Obutuukirivu bwaffe bona buli nga biwero bikadde bijama." Baibuli egamba nti kiba kibi okuwa omubi ubutuukirivu. Katonda omutukuvu asoobola atya okusonyiwa abanoonyi abasingiddw'omusango? Musaalaba = ssuubi lyo lyokka. Omuzzi wa misango tasobola okwesasulira omutango, naye ssing'omuntu omulala n'ajja n'agusasula? Awo eteeka terikyamubanja kintu kyonna. Kino Yesu Kristo kye yakola ku lulwo. Katonda n'affuka omubiri. Yesu yabeerawo mu bulamu obutuukirivu obutalina kibi era ne yewaayo ku musaalaba nga ssaddaaka kulw'okwagala kwe. Yesu yetikka obusungu obwa Katonda kulw'ebibi byo. Yafa, n'aziikibwa era n'azuukira ku lunaku olw'okusatu nga kabonero nti ebbanja lyali limazz'okusasulwa. Katonda alagira "abantu bonna abali wonna wonna okwenenya" era n'okweesiga Yesu. Obulokozi buba bwa kisa, okuyita mu kukkiriza mu Yesu yekka. Wenenye, okkirize; okaabire Katonda. Ebibi byo bigyatekebwa eri Yesu era obutuukirivu bwe bugyakuwebwa. Kyuka eri Katonda mu kwenenya ebibi byo n'okubileka. Saba Katonda akuwe ekirabo kye eky'okwenenya n'okukkiriza. Mukabire era omusabe ekisa na buwombeefu. "Ajja gye ndi sirimugobera bweru n'akatono." "Ssaddaaka za Katonda ye mmeeme emenyese, omutima ogumenyese era ogubonereddde." Katonda agamba "Naye omwavu era alina omwoyo ogubonereddde era akankanira ekigambo kyange ye wuuyo gwe nditunuulira." Yesu yagamba "Olin'okuzaalibwa mulundi gwa kubiri." Bwolokoka obeera ekitonde ekiggya mu Kristo. Ogya kutandika okwagala ebintu by'obadde okyaawa era n'okukyaawa ebintu by'obadd'oyagala ennyo. Soma Baibuli buli lunaku era ogyigoberere. Nonnya ekanisa eyigiriza bya Baibuli. Tegeeza buliomu. Bwoba nga walokoka dda, totwala obulokole nga kintu kya muzanyo. Wesiga Yesu yekka, oba emilimu gyo? Soma 1 Yokaana era wegeraageranye ne byawandikibwa. " Mwekebere mwekka oba nga muli mu kukkiriza." Waliwo abakkiriza bangi ab'obulimba Yesu baligamba "Sibamanyangako mmwe, muve we ndi mwenna abakola eby'obujeemu." Tobeera omu ku bbo. "Munyweze okuyitibwa kwammwe n'okulondebwa." www.needGod.com